

P360/2
LUGANDA
(OKUKYUUSA,
OKUWANDIIKA EMBOOZI,
OKUSOMA N’OKUFUNZA)

Paper 2
July/August 2024
Essaawa 3



ENTEBBE JOINT EXAMINATION BUREAU

Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

OLUPAPULA OLWOKUBIRI

(OKUKYUUSA, OKUWANDIIKA EMBOOZI, OKUSOMA N’OKUFUNZA)

Essaawa Ssatu

EBIGOBERERWA:

*Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bina: **A, B, C ne D.***

*Ebitundu **A, C ne D** bya buwaze.*

*Mu kitundu **B**, oweereddwa eby’okulondako by’oyagala okuddamu.*

Fuba oddemu nga bw’olagiddwa mu buli kitundu.

EKITUNDU A

1. Ddamu 1. (a) ne 1. (b)

(a) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.

(Obubonero 15)

PARENTAL PRESSURE AND CAREER PATHWAYS

Career pathway implies that you individually know what you want to be in future and you also know and are working towards getting there, without due external influences. External influences normally come from peers and parents. However, opportunity perception is also known to have misled a number of young people to join careers that do not agree well with them in terms of personality, interest and ability to perform.

Peer pressure, parental influence and opportunity perception are therefore some of the things making students to go in for careers that do not match them and hence remain frustrated or unemployed after graduating in a field which is not readily employable. Peer pressure, parental pressure, competitiveness and career choice can be positive or negative.

Negative pressure (from peer or parents), for instance, can result into under-enrolment in areas which otherwise are marketable, for example; in Technical and Vocational Trades. This problem has been compounded by occupational opportunity perceptions of both parents/guardians and students.

(Extracted from: *Career Pathways by Department of Guidance and Counselling, Ministry of Education*)

(b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Lungereza

Eddembe Ly'obuntu Teryategeerwa

Abantu bangi boogera ku ddembe ly'obuntu ensangi zino, wabula gye bakomye okulyogerako gye bakomye okulaga nti tebalitegeera. Abalala bavuddeyo ne beeyogerako ng'abalwanirizi b'eddembe ly'abalala era n'ebibiina bingi ebiri mu Uganda ne mu nsi yonna. Bino nno biteekebwamu sente empitirivu ezimu nga zange naawe ffe abawa omusolo n'endala okuva mu bitongole by'ensi yonna.

Abateeka sente mu bibiina nga bino n'abantu ababikolera balowooza nti ensi eno esobola okufaanagana okuva mu buvanjuba okutuuka mu njegoyego z'ebugwanjuba, n'okuva e bukiikakkono okutuuka e bukiikaddyo; nze kye ndowooza nti si kituufu era tekisoboka! Eddembe kati owulira nti waliyo

ery'ebisolo, eddembe ly'abaana n'eddembe ly'abakyala, eddembe ly'abalema, eddembe ly'abafugibwa n'abalala. Ebisinga okundeka nga simatidde ku nnyinyonnyola y'eddembe; ly'eddembe lya bamalaaya n'abasiyazi!

Oyinja okuvunaana omuzadde olwokukangavula omwana naye ne weerabira nti ddembe lya muzadde okukuza omwana mu mpisa ezikkirizibwamu abantu bonna ab'ekitundu mw'asibuka. Ye bw'oyogera ku ddembe ly'ebisolo, wandibaddewo akawaayiro akakugira n'okuvunaana ebisolo ebituusa obulabe ku bantu ng'embwa, empologoma, empisi n'ebirala, n'ebirundwa awaka n'obigaana obwonoonyi n'okujeemera ababirabirira, kw'oteeka n'enkima ezitumalako eddembe ly'okulima.

Abasiyazi ne bamalaaya nabo batyoboola eddembe ly'abantubalamu era abatya Katonda. Yadda bo bannaffe ensanyi baazeeyambula, kyokka si kya buntu okwesittaza abawombeefu n'abaana abato.

(Kisimbuddwa mu: **Essuubi ly'Abalijja**
ekya E.I.Nabbimba, tekinnafulumu)

EKITUNDU B

Ddamu 2. (a) oba 2. (b)

2. (a) Ku mitwe egikuweereddwa londako gumu oguwandiikeko embooji ya bigambo nga 400. *(Obubonero 30 buli mutwe)*
- (i) Ebiraga nti omukazi yalina ekifo kya kumwanjo mu Buganda.
- (ii) Ebyobufuzi by'ennaku zino bya kwesiba bbiri.
- (iii) Okwagala ennyo amasanyu kwe kuleetedde abayizi okulemwa emisomo. Kubaganya ebirowoozo.
- (iv) Ekiseera ky'omuggalo gw'eggwanga mu by'emirimu n'entambula olw'ekirwadde kya Covid19 buli omu akirojjja bubwe.

Oba

- (b) Ku mitwe egikuweereddwa londako ebiri, buli gumu oguwandiikeko mu bigambo ebitasukka 200. *(Obubonero 15 buli kibuuza)*
- (i) Kibuyaga owaamaanyi ayise mu kitundu kyammwe n'asuula amayumba g'abantu agawera n'okwonoona ennimirowo n'ebintu byabwe. Wandikira Minisita w'Ebigwa Bitalaze ng'omutegeeza ensonga eziviirako obutyabaga ng'obwo era n'ebiyinza okukolebwa okubutangira.

- (ii) Kitwale nti mwakakomawo okuva mu luwummula, era olondeddwa ku ssomero lyammwe okukulira akakiiko k'abayizi akakola ku kulwanyisa n'okwerinda ekirwadde kya Covid19. Wandika by'onaayogerako eri bayizi banno mu lukunjaana lwe musoose okuba nalwo.
- (iii) Ggwe mukulu w'akakiiko omukulembeze w'eggwanga ke yateekawo okunoonyereza ku bikolobero ebikolebwa abakuumaddembe ku bannansi. Wandika ebyazuulibwa akakiiko kammwe.
- (iv) Ggwe mukungu ayogerera akakiiko k'ebyokulonda mu disitulikiti yammwe; Kola ekiwandiiko ekinaafulumira mu lupapula lw'amawulire **"Uganda Empya"** ng'onnyonnyola ensonga lwaki omukulembeze w'eggwanga kirungi okusigala ng'alongebwa bantu bonna okusinga okulondebwa abakiise ba Paaliyamenti.

EKITUNDU C

Soma ekitundu kino oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikuweereddwa

Ebyafaayo by'olukiiko Lwa Buganda olumu

Ssekabaka Kintu eyalamula Obuganda nga mu 1300 eyo, ye yatandikawo enkola ey'okuddukanyiza ensi eno ku biteeso ebisaliddwawo Olukiiko, era Olukiiko olwasookera ddala Kintu lwe yatuuza lwali Busujju. Luno lwe lwayisa ssemateeka wa Buganda ataali muwandiike na buli kati Buganda kw'etambulira. Y'oyo amanyiddwa nga eby'ennono! Nga bajjukira Nnono mu Busujju.

Okumalira ddala emyaka egisoba mu 600 okuva ku Ssekabaka Kintu Olukiiko lwa Buganda nga lutuulwamu abaami, abakungu n'abataka era nga Kabaka yennyini y'akubiriza olukiiko. Naye ebintu byajja bikiyuka okuva Omuzungu lwe yajja okufuga Buganda n'ebitundu ebigyetoolodde okuviira ddala mu Kenya eyeebuwanjuba ne Tanganyika kati eyafuuka Tanzania. Bwe yamala okusimba amakanda era nga bamulaba azze **gawanye**, Abaganda abaaliwo ekiseera ekyo ne bakola naye endagaano emanyiddwa ennyo nga "Endaano ya 1900." Ebimu ku byajjira mu ndagaano eyo mwe mwatandikira enfuga eya baminisita era baali basatu; Katikkiro, Omulamuzi n'Omuwanika.

Mu ndagaano eno Kabaka yava mu byokutuulanga mu lukiiko n'aba nga yeerondera ababaka be mukaaga abamukiikirira ne beegatta ku baminisita abasatu (mu budde obwo abaayitibwanga *baleegyenti* oba abakulu abasatu). So nga n'abaamasaza amakumi abiri nabo baalutuulangamu; omanyi mu kiseera ekyo amasaza gaali 20, nga Buyaga ne Bugangazzi gakyali ga Buganda (gano ge amasaza **agaabula** oluvannyuma lwa ssemateeka wa 1962 ow'ameefuga eya teekamu akawaayiro nti abantu abo bakube akalulu basalewo oba badda ku

Bukama bwa Bunyoro oba basigala mu Buganda eyali ebatwala mu budde obwo, era akalulu kagenda okuggwa nga balonze kuddayo ku Bukama bwa Bunyoro). Kati bwe tudda ku by'olukiiko, ku bakulu b'amasaza amakumi abiri kwegattako ababaka basatu okuva mu buli ssaza. Mu 1943 Ssekabaka Edward Muteesa II yassaawo enkola ey'okusunsulanga abakiise basatu basatu okuva mu buli ssaza basooke kusunsulwamu eno ku miruka. Amannya g'abayiseemu ku miruka nga gagenda ku magombolola nayo nga gakubibwako akalulu. Buli ggombolola nga lireeta ku ssaza ababa bayiseemu nga beerondamu ababaka basatu abanaakiikirira essaza eryo.

Endagaano ya 1955 emanyiddwa nga ey'e Namirembe yassaawo ekifo kya **Sipiika** n'omumyuka we nga be bakubiriza Olukiiko era nga n'ababaka abasatu bava mu buli ssaza lya Buganda. Kabaka yasigaza ababaka 6 abamukiikirira. Wano twafuna Baminisita 6; okuli Katikkiro, Omulamuzi, Omuwanika, Ow'ebyenjigiriza, Oweebyobulamu, n'Oweebyobugagga ebyomu ttaka.

Mu 1961 Olukiiko lwa Buganda lwalondebwa butereevu nga buli ssaza lironda abataka abalikiikirira era nga lwegattibwako Abaami b'amasaza 20 kko n'ababaka ba Kabaka 6. Bonna abo baatuula ne beerondamu Katikkiro Michael Kintu. Kabaka n'alonda Bamminisita 6 okuva mu mannya Katikkiro geyamuweereza. Olukiiko lwa Buganda bwe lwali bwelutyo okutuusa mu **kazigizigi** mu 1966.

EBIBUZO:

- (a) Biki ebyoleka nti Abaganda kuva dda nga baagala eby'obufuzi eby'emirembe ne ddimookulaasiya? (Obubonero 05)
- (b) Laga ebintu eby'enjawulo ebyakuyuuka olw'okuja kw'omuzungu. (Obubonero 04)
- (c) Nnyonnyola ebintu ebyoleka nti ddala Bakabaka b'e Buganda baalina obwasseruganda n'abakulembeze ababeetoolodde. (Obubonero 06)
- (d) Wa amakulu g'ebigambo bino okusenziira ku nkozesa yaabyo mu kitundu. (Obubonero 05)
 - (i) Ssekabaka
 - (ii) gawanye
 - (iii) agaabula
 - (iv) Sipiika
 - (v) kazigizigi

EKITUNDU D

Funza ekitundu kino mu bigambo 100.

Akagero k'Omulunzi w'Enkima

Wali obaddeko awo ne weebuza engeri abantu gyebafunamu obuyinza n'amaanyi agafuga bannaabwe. Abawandiisi n'abaakugu mu mbeera z'abantu n'ebyobufuzi bawa engeri ez'enjawulo abakulembeze bwe bajja mu buyinza era n'amakubo g'okwenywereza mu buyinza bwe baba bafunye. Mu makubo ge bakozesa mulimu ag'obugunjufu ne dimookulaasiya, kyokka ate waliwo n'abo abakwata amakubo ag'ekiralu; naye amakubo ago gonna geesigama ku bunafu oba amaanyi g'abantu abafugibwa.

Waliwo ekyokulabirako ky'akagero k'Abachaina akaawandiikibwa Lui-Ji mu kyasa ky'ekkumi n'ena, akalaga obulungi engeri y'okutegeera amaanyi mu by'obufuzi. Akagero kagamba nti, mu bwakabaka bwa Chu, mwalimu Omusajja omukadde eyali yeeyimirizawo ng'ayita mu kulunda enkima nga ze zimukolera. Abantu boomu Chu baamuyitanga "Jun gong" ekitegeeza omulunzi w'enkima. Buli ku makya nnamukadde ono yakunganga enkima mu luggya lwe olwo n'alagira ezikulira okukulembera endala zigende mu nsozi zikuŋŋaanye ebibala ku miti.

Kyali kya tteeka buli nkima okuwa ekimu eky'ekkumi okuva kw'ebyo by'ekuŋŋaanyiza eri nnamukadde ono mukama waazo. Ezaalemererwanga okuleeta oba okuwa ekimu eky'ekkumi olwo nga eyazaalula esiiridde. Nga zikubwa kumpi kuzireka mu kkubiro oba ka tugambe kuzireka ku mugo gwa ntaana. Enkima zonna zaabonaabona bya kitalo olw'amateeka n'olwamaanyi nnamukadde ge yaziteekako naye nga tezirina we zeemulugunyiza.

Olumu Kawankima akato mu ngeri y'okwegeziwaza, oba katugambe nti mu kwekyawa kaabuuza bawankima abalala oba omusajja yeyasimba emit gy'ebibala gyonna n'ensiko? Abalala ne baddamu nti nedda gya kyemeza. Kawankima ne keeyongera okubuuza nti; tetusobola kulya ebyo awatali lukusa lwa namukadde oyo? Banne baako ne bakaddamu nti basobola. Kawankima mumaaso nti, "Lwaki tubeerawo ku lwa nnamukadde? Lwaki ffenna tulina kuweereza ye?"

Kawankima kaba tekannamalayo na kye kaali koogera, bawankima bonna ne bafuna okumanya ne bava mu bwebafu n'obutamanya. Mu kiro ekyo kye kimu, nga bamaze okulaba nga nnamukadde yeebase bawankima ne bawagulawagula ebigo byonna mwe baali basibirwa, era ne bamenyaamenyera ddala ekikomera kyonna. Nga bamaze okulaga eryanyi baatoloka ne batwala n'ebibala byonna nnamukadde bye yalina mu tterekero, ne bakuuliita nabyo mu bibira eby'ewala butaddirira ddala na guno guliko.

Ku nkomerero nnamukadde ono eyakoozanga enkima akagiri n'okuzituntuza yafa olw'enjala. Ssempala eyali yeeyagalira mu bugagga n'okwekkusa yekka okuva mu ntuuyo za bawankima yafa muyinike nnyo nga taliiko na mwasirizi. Ye

omuwandiisi Yu-li-zi agamba nti; abantu mu nsi bafuga bannaabwe na bukujjukujju so si mu bwanjulukufu bw'ebyo ebituufu ebirina okugobererwa. Bano njawulo ki n'omulundankima?

Naye amangu ddala ng'abantu bamaze okufuna okumanya n'okukitegeera, olwo obukodyo bw'abafuzi abo buba tebukyakola, era basobola okubeegobako. N'olwekyo ebyokulwanyisa ebisinga kwe kumanya, essuubi n'okwekkiririzaamu. Bannansi bangi mu mawanga amankuseere ag'enjawulo bawangaalira mu butamanya. Ate abamu bwe bamanyisibwa essuubi ne libeera ttono ddala nti embeera eyo embi esobola okukyuuka. Olwo nno ab'engeri eyo b'osanga nga bagamba nga bwe baabivaako era nga buli kimu bwe baakivaako ne babirekera Katonda mbu y'alimanya n'abaako ky'akola. Era ab'engeri eyo okwekkiririzaamu kwabwe kuba kutono ddala.

Baba tebalaba nti bo nga bannansi balina eddembe n'amaanyi okwanjanga embeera eyo gye balimu n'abantu abagireeta. Obutekkiririzaamu bubaleetera okutya ennyo n'okugulumiza abasibiramubbwa ababafuga obumbula n'okwekkiriranya nabo. Babalaba nga basukkulumu nnyo era baamaanyi n'okukira oguyovu. Era nga tebalina ngeri yonna gye bayinza kuteekawo n'ebaako ky'ekyuusa oba bo ne basigala nga bakyali balamu. Basigala kukolima bukolimi na kukaaba ttwawa nga ntulege. Basigalira kimu kusaba katonda y'aba abaggyirawo abakulembeze abo ababi, so ne batamanya nti ebikolimo by'enkoko tebitta kamunye!